


Mukondo owa UNOC (ku kkono) ne Dr. Wante owa Uganda Blood Transfussion Services mu kugaba omusaayi gye buvuddeko.

# UPDF ne UNOC basiimiddwa ku musaayi

Bya SAMUEL BALAGADDE

OMUDUUMIZI w'eggye lya UPDF, Gen. Muhoozi Kainerugaba wamu n'ekitongole ky'amafuta ekya Uganda National Oil Company (UNOC) basiimiddwa mu kaweefube w'okugaba omusaayi.

Kiddiridde eggye lya UPDF mu nkambi zaalyo essatu omuli eya Kaweweta mu Nakaseke, eya Singo mu Nakaseke n'eya Butyaba mu Buliisa okugaba omusaayi omwava yuniti 6,000. Akulira eby'okukung'aanya omusaayi mu Uganda National Blood Transfusion Service, Dr. Samuel Davis Wante yagambye nti emyezi ogwa December ne January giba mizibu nnyo mu by'okukung'aanya omusaayi kuba abayizi baba mu luwummula ate nga be basinga okugugaba.

Embeera eno ku mulundi guno yeegattiddwaako okulonda ng'abantu tosobola kubatunuza mu bya kugaba musaayi wabula aba UPDF ku biragiro by'omuduumizi waayo, yataasa embeera embeera eno.

Dr. Wante yabyogeredde mu Kampala mu kutongoza kampeyini y'okugaba omusaayi okumala ennaku nnya nga yatandise ku Lwakubiri ku Goodshed. Yawomeddwaamu omutwe ekitongole kya Uganda National Oil Company n'agamba nti omwezi gwa December ne January abakyala mwe basinga okuzaalira nga beetaaga nnyo omusaayi.

Ate emyezi gye gimu mwe musinga okubeera obubenje nga buva ku bikujjuko bya Ssekukkulu n'Olusooka omwaka omuba okuvigisa ettamiiro n'ekimama omufiira n'okulumya abantu era wano nabo baba beetaaga omusaayi.

Robert Mukondo, avunaanyizibwa ku nteekateeka eno mu UNOC yagambye okukunga abantu okuwaayo omusaayi okw'okumala ennaku ennya mu Kampala kugendereddwaamu okuyamba Bannayuganda abagwetaaga naddala bamaama abazaala, abafunye obubenje n'abo abalina endwadde ezeetaaga omusaayi.